ATE ERA

Erudda n'Erudda

Janet George

Ennyinnyola mu bufunze ku bwenkanya n'ekikula ky'abantu mu Bayibuli

Ate Era

Erudda n'Erudda

Ennyinnyola mu bufunze ku bwenkanya n'ekikula ky'abantu mu Bayibuli

Janet George

Kivvunnuddwa: Joseph Bbirikadde

Christians for Biblical Equality

cbeinternational.org

Akatabo kano kaweebwayo mu 2016 aba
PUBLISH4ALL
infor@publish4all

Ebyawandiikibwa byonna biva mu THE HOLY BIBLE, NEW INTERNATIONAL VERSION®, NIV® Obuyinza ku Kitabo © 1973, 1978, 1984, 2011 aba Biblica, Inc.™ Olukusa lwaweebwa. Obuyinza ku kitabo bukuumibwa mu nsi yonna.

Ate era Erudda n'erudda: ennyinnyola mu bufunze ku bwenkanya n'ekikula ky'abantu mu bayibuli
Obuyinza ku Kitabo Janet George © 2016
Kivvunnuddwa Joseph Bbirikadde
PUBLISHED BY CBE INTERNATIONAL
122 W Franklin Ave, Suite 218
Minneapolis, MN 55404-2451
www.cbeinternational.org

Still Side By Side: A Concise Explanation of Biblical Equality
Copyright Janet George © 2009

ISBN 978-0-939971-74-6 (Print)
ISBN 978-1-939971-75-3 (PDF)

Nokho Silinganisene: Incazelo emfushane ngokulingana kobulili ngokweBhayibheli iyatholakala ngezilimi ezilandelayo:
Isi-Amari, isi-Arabhu, isiShayina, isiFulentshi, isiJemeni, isiKriyoli saseHayiti, isiHindi, isi-Khimeri, isiNepali, isiLasjiya, isiPenishi, isiSwahili. Izilimi eziza masinya ngonyaka ka-2016: isiFinishi, isiKoriya, isiPutukezi, isiThamili, isi-Uridu, isiXhosa, kanye nesiZulu.
I-*Christians for Biblical Equality International* yindlu enkulu yokuhlola izinsiza ezidumile nezokufunda eziphathelene nokulingane kobulili ngokweBhayibheli. Sivakashele ku-www.cbeinternational.org

Izincomo-Akunazehlukaniso (http://creativecommons.org/licenses/by-nd/4.0/)
CC BY-ND
Ukhululekile ukuba-:
Wabelane—wenze amakhophi futhi uphinde udlulisele phambili lo msebenzi nanganoma eyiphi indlela ngisho nenhloso, noma kungukwenza imali.

Ngaphansi kwale migomo:
Izincomo—Kumele wazise ngokufanele, unikeze ilinki yelayisenzi, uphinde usho uma ngabe kukhona ushintsho olwenziwe. Ungakwenza loku ngendlela noma ngeyiphi efanelekile, kepha hhayi indlela enikeza isithombe sokuthi lowo onikeza imvume uvumelana nawe noma ukusebenza kwakho.

NoDerivatives—uma uxuba futhi, ushintsha, noma wakhela phezu kwalolu lwazi, ngeke wakwazi ukudlulisela phambili umsebenzi lona osushintshiwe.

Ukuthola imvume yokuhumusha, thumela isicelo kwabakwa-:
Christians for Biblical Equality, 122 W Franklin Ave, Suite 218, Minneapolis, MN 55404-2451 or cbe@cbeinternational.org

Ebirimu

Ennyanjula 1

Entandikwa

Okutondebwa 3

Okugwa 5

Obwenkanya mu Bayibuli

Obumu mu Kristo 7

Yesu n'abakazi 12

Izipho zikaMoya 16

Abakyala mu Bayibuli 18

Ebizibu mu kkanisa eyasooka

Akasiriikiriro 19

Obuyinza n'okusomesa 21

Obukulembeze 24

Okuwuliragana 28

Okufundikira 30

Ebikwata ku CBE 32

End Notes 36

Ennyanjula

Mu ttendenkero nasabibwa okusomesa omusomo ku nkomerero ya wiiki mu lusirika lw'abayizi abali mu ttendekero. Bwenabuulirako omwagalwa wange yakiwakanya kubanga Bayibuli egamba abakazi tebalina kusomesa basajja. Kale bwentyo, ne nzikiriza. Ffembi twayagala okugondera ebyawandiikibwa nga bwe twabitegeera. Naliwo mu musomo era omwami eyasomesa mu kifo kyange yali musuffu naye ate nga si musomesa mulungi. Nzijukira okutuula awo nga ndowooza. "Kino mazima kirabika nga si kituufu." Oyagala okumanya ekyatuuka ku mwagalwa wange? Namufumbirwa era eno y'emboozi yonna:

Matt nange twatandika obufumbo mu 1978 nga tulowooza nti Bayibuli eyigiriza nti walina okubaawo emintendera gy'obukulembeze mu maka ne mu kkanisa. Ekyo kyategeeza, abaami be bakulembeze era nga be basalawo ku nsonga zonna. Tekitegeeza nti twalowooza nti Katonda abasajja yabasukkulumya okusinga abakyala naye nti, balina emirimu emitongole. Okumala emyaka, twafuna obutakkiriziganya ku nsonga eno kye twalowooza nti Bayibulii eyigiriza n'ebyo bye twali tuyiseemu.

Okuva olwo tuzudde nga obugagga bwe njigiriza nga buwa ebirowoozo eby'enjawulo. Abanyweeza oky'obwenkanya bakkiriza nti bayibuli esomesa obwenkanya obw'omuggundu eri abakkiriza bonna era, nga ebawa olukusa okukozesa obulungi ebirabo byabwe eby'obwa Katonda mu maka, mu kkanisa ne mu bitundu byabwe bye babeeramu. Kino kitegeeza nti ebifo byonna eby'obuweereza birina okusinziira ku birabo n'obusobozi so si kikula kya muntu. Amaka galina okuba ekifo eky'okuwuliraganganga, okuzzaamu amaanyi, n'obukulembeze.

Naye tweyongedde okuyita mu mbeera ng'omusajja n'omukazi nga baziyizibwa ensonga y'obukulembeze. Olunaku lumu nagendako mu tterekero ly'ebitabo

by'Abakristaayo era nga ku ludda olw'abakyala mulimu ebitabo ebikwata ku kyokuleeti, dduyiro, n'okwetonatona ku ludda olw'abasajja mwalimu ebitabo ebikwata ku bukulembeze, ebyenfuna, n'eby'obufuzi. Kino kiwa bubaka ki batabani baffe ne bawala baffe? Matt nange twali ku mbaga kwe bagambira nti okuwulira kitegeeza omukyala alina kukola mwami kyagamba ne bwe kiba kikyamu. Ate era tumanyi abafumbo abaminsaani abagyibwako obuwagizi mu by'ensimbi olw'okuba baali basomesa nti.

Obadde okimanyi ...?

- Pawulo mu Bayibuli takozesa kigambo "omutwe gw'amaka."
- Ekyawandiikibwa kigamba nti tuteekeddwa buli omu okuwulira munne, so si bakazi bokka eri abasajja.
- Ekigambo "muyambi" eky'eyambisibwa okunnyonnyola abakyala mu lubereberye era kyeyambisibwa okunnyonnyola embala ya Katonda.

Leka tuzuule amazima ffenna tusoboole okuweereza Mukama waffe Yesu Kristo wamu, erudda n'erudda!

Okutondebwa

Bayibuli egamba nti abakazi baatondebwa okubeera abayambi b'abaami baabwe. N'olwekyo abasajja tebatondebwa ng' abakulembeze abavumbuzi?

Abasajja n'abakazi batondebwa kuba bumu era nga bavunaanyizibwa kyenkanyi mu bwakabaka bwa Katonda.

> Katonda naayogera nti, "tukole omuntu mu kifaananyi kyaffe, bafugenga eby'omunnyanja, ebinyonyi, ebisolo eby'omu ttale, ebirundwa na buli kitonde ekirala ku nsi. Katonda naatonda abantu mu kifanaanyi kye, mu kifanaanyi eky'obwa Katonda mwe yabatondera; Omusajja n'omukazi bwe yabatonda. Katonda naabawa omukisa era naabagamba, "mujjuze ensi mugirye, mufugenga buli ekirina obulamu era ekitambula ku nsi" (Olubereberye 1: 26 – 28 kisseeko essira)

Wano waliwo obulambulukufu mu ntegeka z'obuyinza: Obuyinza bwa Katonda eri ebitonde byonna ate n'obuyinza bw'omusajja n'omukazi obwa wamu eri ensi n'ebitonde. Okuva olubereberye tewaaliwo kigendererwa kya basajja okufuga abakazi. Bombi baatondebwa okuzaala n'okukuza abaana wamu n'okufuga ensi era – ekyo kye kyama eky'olubereberye.

Mukama Katonda naayogera nti, "Si kirungi omuntu okubeeranga yekka, n'amukolera omubeezi amusaanira" (Olubereberye 2:18 kisseeko essira).

Ekigambo "muyambi" kibadde nga kivvunuulwa bubi okuteegeza nti abakazi

batondebwa kuweereza basajja na kufugwa. Linda Belleville annyonnyola: "Mu Ndagaano Enkadde emirundi kkumi na mwenda ekigambo 'muyambi' gye kikozesebwamu kikwatagana n'obuyambi omuntu ow'amaanyi bwawa omulala ali mu bwetaavu, okugeeza ng'obuyambi obuva ewa Katonda, Kabaka, munywanyiwo oba eggye. Ebitundu kkumi na bitaano ku kkumi na mwenda byogera ku buyambi Katonda yekka bwagaba" (1). eky'okulabirako kye kino:

Naayimusanga amaaso gange eri ensozi – Okubeerwa (obuyambi) kwange kuliva wa? Okubeerwa kwange kuva eri Mukama, omutonzi w'eggulu n'ensi (Zabbuli 121:1 – 2).

Ekigambo "amusaanira" kitegeeza okutunuuliragana, kwenkanankana oba okufanagana. "Omuyambi amusaanira" kitegeeza omuyambi amusaanira mu buli ngeri! Omukazi yatondebwa n'obusobozi obwetaagisa okuyamba Adamu n'okumaliriza ekigendererwa ekyabaweebwa Katonda. Katonda yatonda abasajja n'abakazi bumu nga benkanankana nga agenderera bakolere wamu, erudda n'erudda.

Kigambibwa nti "amaanyi gatera okwonoona; amaanyi n'obuyinza obusukkiridde byonoonera ddala." Kya kabi ddala okuteeka omuntu omu (omusajja) mu kifo eky'obukulembeze ekitakolereddwa era nga tekiriiko mbalirira. Katonda yamanya- era y'ensonga lwaki yannyikiza okukolagana okw'obwenkanya, so si okw'emitendera. Katonda yagenderera embalirira ennamu ate nga ya nnamaddala mu nkolagana y'omwami n'omukyala. Okuwaba ne tuva ku nkolagana ey'obwenkanya ne tussa essira ku kitiibwa mu ngabanya y'amaanyi n'obuyinza kikola kinene mu kuleeta okulinnyirira okw'obuliwo n'okwo bubonero. Katunywerere ku musono omutuufu.

Okugwa

Kirabika mu buwangwa bungi, abasajja bafuga bokka, ekibuzo kiri nti abasajja Katonda yabatonda bwatyo?

Okufuga kw'abasajja bokka kwava ku kugwa kwa muntu, ekintu ekiteekeddwa okugibwawo so si kuwagirwa.

> Naagamba omukazi nti okwongera naakwongerangako obulumi bwo n'okubeeranga kwo olubuto; mu bulumi mwonoozaaliranga abaana; n'okwegomba kwo kunaabaanga eri omusajja wo naye anaakufuganga. Naagamba Adamu nti, "kubanga owulidde eddoboozi lya mukaziwo n'olya ku muti gwe nnakulagira nga njogera nti togulyangako; ensi ekolimiddwa ku lulwo; mu kutegana mw'onoggyanga eby'okulya ennaku zonna ez'obulamu bwo: amaggwa n'amatovu g'eneekuzaaliranga: naawe onoolyanga omuddo ogw'omu nnimiro. Mu ntuuyo ez'omu maaso go mwonooliranga emmere, okutuusa lwolidda mu ttaka" (Olubereberye 3:16 – 19 kisseeko essira).

Bombi omusajja n'omukazi balina kye bakola mu kugwa kw'omuntu. Okusalawo kwabwe okwonoona kwavaamu bino: Okukyuka kw'embeera y'obutonde, obulumi mu kuzaala abaana n'okufuga kw'abasajja bokka. Eno si ye ngeri gye tulina okubeeramu naye ekya kabi ekyava mu kibi okuyingira ensi. Omwami okufuganga mukyala we ng'omwennyango ku ttale ky'ekintu ekirina okuwangulwa so si okwanirizibwa! Balleville annyonnyola, "Ekigendererwa eky'obwa Katonda kyali kya kuyambagana mu kufuga ensi, okuzaala

n'okukuza abaana, n'okweyambisa ettaka. Omu okufuga munne si kye kyali ekigendererwa....(bwe kiri) enkolagana eno embi yava ku kujeemera Katonda" (2). Tuteekeddwa okuweereza awamu, erudda n'erudda.

Obumu mu Kristo

Katonda ayagala era assaamu ekitiibwa buli omu,naye abakazi n'abasajja tebalina mirimu gya njawulo?

Emirimu girina kusinziira ku kitone, busobozi na bumanyirivu so ssi kikula ky'abantu.

> Tewali Muyudaaya, newankubadde munnamawanga, tewali muddu newankubadde ow'eddembe tewali musajja na mukazi, kubanga mwe mwenna muli omu mu Kristo Yesu (Abaggalatiya 3:28).

Abamu bagamba olunyiriri olwo lunnyonnyola nti abasajja n'abakazi baagalibwa kyenkanyi, bassibwamu ekitiibwa n'okulokolebwa (be nkana mu mbeera), naye balina emigaso egy'enjawulo, (Obutenkana mu mirimu).

Waliwo eby'okulabirako eby'okugonda mu kukola ng'abasomesa/ abayizi oba abakozesebwa/ naabakozesa. Naye emirimmu gino gyesigamizibwa ku busobozi era gya kaseera. Omuyizi agonda mu kibiina olw'obusobozi bw'omusomesa, naye kya kaseera. Singa omusomesa abeera akola mu kirabo ky'emmere naye nga kya muyizi, emirimu gijja kuwanyisibwa. Emirimu gikyuka okusinziira ku mbeera n'ebisaanyizo.

Rebecca Merill Groothius annyonnyodde nti okugonda kw'abakyala tekwesigamizibwa ku busobozi naye ku kubeera mukazi. Era si kya kaseera

– tekisoboka kukula ku kivaamu. Kino kikyuka okuva mu butenkanankana mu mirimu okudda mu butenkanankana mu kikula. Si kya makulu okugamba nti omukazi ne bwaba alina obusobozi bwe, ateekedwa okubeera wansi w'obuyinza bw'omusajja mu buli mbeera, ate era mu kiseera kye kimu n'ogamba nti agasa kye nkanyi (3).

Weekkanye nti olunyiriri luno terwogera bwogezi ku basajja n'abakazi. Teebereza okugamba nti emirimu gisalibwawo okusinziira ku langi oba ekitiibwa!

Pawulo tagamba nti ffenna tufaanagana era "baakikula kimu" Olunyiriri luno lulangirira nti langi, eddaala ly'omuntu, n'ekikula bya butagasa mu mulimu gwa Kristo, ffenna twenkana. Ennyiriri nnyingi mu Ndagaano empya zikakasa nti abakkiriza bonna be nkana mu butonde n'obuvunaanyizibwa.Yokaana 17:20– 23, Abaruumi 12:4–5, 1 Abakkolinso 12:12–14, Abeefeso 4:4–8, 11–13.

Ekkanisa, eteekeddwa okulaga obumu mu nsi eno emenyesemenyese. Ekigambo kyonna, endowooza oba enkola ezoleka nti abakazi "ba wansi" ku basajja mu ngeri yonna ziziyiza eky'okulabirako kyaffe e ky'okwagala kwa Katonda eri bonna.

Wateekeddwa okubeerawo omuntu omu abasingako mu kusalawo. Tekirabika nga kya butonde okubeera omusajja?

Buli ngeri okusobola okufuna obwerufu nga tweyambisa okumanya n'ebyo byetuyiseemu okusalawo kulina okugabanwa.

Newankubadde kiri bwe kityo mu Katonda omukazi teyemalirira ku musajja. Yadde omusajja okwemalirira awali omukazi. Omukazi yava mu musajja, n'omusajja azaalibwa mukazi, naye byonna biva eri Katonda. (1 Bakkolinso 11:11 – 12)

Mu mbeera ya leero, abakazi n'abasajja bonna balina ebisanyizo era basobola n'okukola okusalawo okusunsuddwa obulungi. Okusalawo okukotoggera omukazi ategeera okukozesa obusobozi bwe mu ndowooza kumutyoboola nabo bonna abamwetoloodde. Essanyu lya Katonda liri nga bwe kyali olubereberye, obuyinza obwannamaddala n'okusalawo ebikolebwa mu bitundu abantu gye babeera bulina kuba bwa wamu. Tuteekeddwa okuweereza erudda n'erudda.

Wajja kubeerawo okaseera okukubaganya ebirowoozo tewali kukkaanya. Zino ze zimu ku ngeri ez'okuleeta okukaanya okusinziira ku Gilbert Bilezikian, (ssi nti zisengekeddwa):

1. Nnoonya okulungamizibwa okuva eri Katonda.
2. Okusalawo okwewaayo buli omu eri munne, wuliriza, ssaamu ekitiibwa era olage okulumirirwa eri munno
3. Buli omu okukozesa ekirabo kye eky'omwoyo, ebitone eby'obutonde n'obukugu ku nsonga eteesebwako.
4. Okwekkiriraanya.
5. Nnoonya okulungamizibwa okuva mu bamaanyi abalala.
6. Nnyonnyola ennono za Bayibuli
7. Zuula ebirungi n'ebibi ku nsonga eyo.
8. Kitwale nti omuntu asinga okulumwa mu nsonga eyo alina kinene mu kusalawo (4).

Mu Ndagaano Enkadde abasajja bokka be baali bakabona, n'olwekyo abaami si be bakabona oba abakulembeze ab'omwoyo mu maka?

Buli omu asoboola okutuuka eri Katonda era avunaanyizibwa kyenkanyi.

> Naye mmwe muli ggwanga ddonde, bakabona ba Kabaka, kika kitukuvu, bantu ba nvuma mulyoke mubuulirenga ebirungi by'oyo eyabayita okuva mu kizikiza okuyingira mu kutangaala kwe okwo muwendo: (1 Petero 2:9 kisseeko essira)

Tewali mu byawandiikibwa kiraga nti omwami ye kabona wa maka. Tukikakasa okuyita mu Kristo, bonna balina obuvunaanyizibwa n'obusobozi okutuuka eri Katonda. Nga John Phelan bwakikattiriza "olutimbe lwa yeekaalu lwayawuzibwamu ebitundu bibiri era abantu bonna basobola okutuuka eri Katonda. Abantu ba Katonda bonna bakabona. Abantu ba Katonda bonna batukuvu Era bonna balina omwoyo" (5).

> Engeri gye kiri nti Katonda Kitaffe, ate nga ne Yesu yali musajja. Abasajja si bebateekeddwa okubeera abakulembeze ab'omwoyo?

> Katonda si musajja. Katonda mwoyo. Era ekifaananyi kye kiragibwa mu musajja n'omukazi.

"Taata" kye kimu ku bigambo ebikusike ebya Katonda ebinnyonnyola oyo, ku lunaku luli eyateekawo obusika n'obukuumi. Katonda si musajja. Katonda mwoyo (Yokaana 4:24). Bombi abakazi n'abasajja baakolebwa mu kifaananyi kya Katonda era bonna bakikirira Katonda kyenkanyi. Mimi Haddad agamba, "singa tukalambira nti Katonda musajja, kuba kusinza bifaananyi, era tuba tukoze Katonda mu kifaananyi kyaffe, ekikontana n'ebyawandiikibwa" (6).

Yesu yajja ng'omuntu kubanga yalina okusobola okubuulira mu yeekaalu mu kifo abakazi weebali babolebwa mu kaseera ako. Kristo yafuuka obulokozi bwaffe nga Katonda mubiri gw'omuntu- so si ng'omusajja.

Oddamu otya eri abagamba nti tuyuza amaka nga tetugoberera ngabanya ya mirimu ey'obuwangwa?

Amaka n'obwenkanya nga bwe birungamizibwa mu byawandiikibwa mwe bituukirizibwa ganyweera.

> Era omuntu bw'asinga oyo ali yekka, ababiri be balimusobola n'omugwa ogw'emiyondo esatu tegutera kukutuka. (Omubuulizi 4:12)

Bwonafuya omuyondo ogumu, tekinyweza muguwa. Enkolagana ennamu ekyamazima, eba eyimiridde ku kussanganamu ekitiibwa. Bwe kiba kikkiriziganyizibwako nti abazadde bombi baakugabana obuvunaanyizibwa n'okusalawo ku lwekyo ekisingayo obulungi eri amaka kikubisaamu ebirungi abaana bye bafuna. Okubiriza abazadde okunoonyanga okwagala kwa Katonda eri abaana baabwe tekitegeeza nti abaana bavooddwa oba tebalina makulu mu maka. Wabula kyakulabirako kirungi eri abazadde bombi okuyambagana buli omu mu bifo byabwe, kibeera bwe kityo mu maka, ebweru wamaka n'okutwalira awamu.

Omuyondo ogwokusatu ye Yesu Kristo, era nga ye Mukama wa maka. Kristo bwagulumizibwa era buli muntu bwassiibwamu ekitiibwa, n'okwagala kubeerawo.

Kiteeke mu birowoozo nti waliwo engeri nnyingi awatali maama na Taata mu maka. Mu mbeera zino, kiyamba omuzadde ali omu okutuukiriza obuvunaanyizibwa. Amaka gano gagummizibwa na kutegeeragana n'obuyambi okuva eri omubiri gwa Kristo gwonna.

Yesu n'abakyala

Lwaki Yesu teyalondayo muyigirizwa mukazi yenna?

Abasajja Abayudaaya balondebwa kubanga baali basobola okumaliriza obuweereza mu kaseera ako kati bonna bayitibwa okutuukiriza ekigendererwa ekikulu.

> Naayawulamu ekkumi n'ababiri okubeeranga awamu naye, era abatumenga okubuulira, n'okuba n'obuyinza okugobanga emizimu (Makko 3:14 – 15)

Richard ne Catherine Kroeger bannyonnyola, "Yesu mazima yalina ekibinja ky'abakyala abatambulanga naye nga baweereza wamu n'okumuwerekera ngali ku mulimu gw'okuyigiriza. Naye okubasindika okusooka bokka mu bantu okuyigiriza n'ekigendererwa eky'okuwonya tekyandisobose. Abasomi mu Talmud bagambibwa obutayogera na mukazi mu lujjudde, ne bwe babeera bakyala baabwe. Yadde okukkirizibwa okukubaganya ebirowoozo ku bintu bya Katonda n'omukazi. Kino kyalabibwanga okusikiriza okwonoona...Yesu yasiima mu bujjuvu nti okulokoka kwalina okubeerawo ng'endowooza tezinnakyuka" (7).

Tulina okumanya nga tewaaliyo bayigirizwa ba nnamawanga. Singa abayigirizwa kyakulabirako eri obukulembeze bwe kkanisa. Awo abasajja abatali Bayudaaya nabo bandibadde tebabalibwa mu bukulembeze.

Abakazi baabanyigira mu buweereza bwa Yesu?

Yesu okuwa ekitiibwa n'okuteeka abakazi mu buweereza nga bwe kyali kirabika ng'enkyukakyuka ey'omwanguka.

Omukazi omuyigirizwa

> Awo olwatuuka oluvannyumako katono n'atambula mu bibuga ne mu mbuga ng'abuulira ng'atenda enjiri ey'obwakabaka bwa Katonda, bali ekkumi n'ababiri nga bali naye, n'abakazi abaawonyezebwako dayimooni n'endwadde. Malyamu eyayitibwa Magudaleene, eyavaako dayimooni omusanvu; ne Joanna muka Kuza, omuwanika wa Kerode, ne Susaana, n'abalala bangi abaabaweerezanga n'ebintu bye baalina (Lukka 8: 1 – 3, kisseeko essira).

Abakazi tebabalibwanga mu nkungaana mu lujjudde, naye Yesu yayanirizanga obuyambi bwabwe n'obuwagizi mu by'ensimbi.

Yesu asomesa abakazi

> Awo bwe baali bagenda, n'ayingira mu kyalo. Omukazi erinnya lye Maliza n'amusembeza mu nnyumba ye naye yalina muganda we ayitibwa Malyamu, eyatuulanga awali ebigere bya mukama waffe naawuliranga ekigambo kye naye Maliza yabanga nemitawaana egy'okuweereza okungi, najja wali, n'amugamba nti Mukama wange, Tofaayo nga muganda wange andese okuweereza nzekka? Kale mugambe annyambe. Naye Mukama waffe n'addamu n'amugamba nti Maliza, Maliza, weeraliikirira, olina emitawaana egy'ebigambo bingi, naye ekyetaagibwa kiri kimu. Kubanga Malyamu alonzeewo omugabo ogwo omulungi ogutalimuggyibwako" (Lukka 10:38 – 42).

Abakazi baagaanibwa mu kusomesa okusinga mu biseera bya Yesu. Naye Malyamu naatwala ekifo ky'obuyigirizwa, ku bigere bya Yesu naakuuma eddembe lye ery'okuyiga.

Kimanye nti Yesu yayogera ku kusalawo kwa Malyamu nti, "tekujja kumuggyibwako," yadde bangi bagezezzaako.

Omukazi omubuulizi w'enjiri

> Amangu ago abayigirizwa be ne bajja ne beewunya kubanga abadde ayogera n'omukazi. Naye tewali ku bbo yamubuuza nti, "Onoonya ki?" "Oba nti kiki ekikwogeza naye?" Awo omukazi n'aleka ensuwa ye n'agenda mu kibuga, n'abuulira abantu nti "mujje mulabe omusajja angambye bye nakolanga byonna: ayinza okuba nga ye Kristo?" Ab'omu kibuga omwo Abasamaliya bangi kubo abaamukkiriza olw'ekigambo ky'omukazi, eyategeeza nti "angambye bye nnakolanga byonna" (Yokaana 4:27 – 30, 39)

Abakazi tebakkirizibwanga mu lujjudde, era balabibwanga nga ekikemo mu kwonoona. Naye Yesu yeewunyisa abayigirizwa be bwe yatandika emboozi n'omukazi eyali annyomeebwa ku luzzi. Eno emboozi empanvu ey'ekyama eya Yesu eyawandiikibwa. Era yamukubiriza okubeera omubuulizi w'enjiri mu kibuga kye. Era olw'obujulizi bwe bangi bakkiriza Yesu.

Yesu annyweeza eby'omuwendo

> Awo olwatuuka ng'ayogera ebyo. Omukazi ow'omu kibiina n'ayimusa eddoboozi lye n'amugamba nti lulina omukisa olubuto olwa kuzaala n'amabeere ge wayonkako. Naye ye n'agamba nti ekisinga, balina omukisa abawulira ekigambo kya Katonda, ne bakyekuuma. (Lukka 11:27 – 28)

Omuwendo gw'abakazi gwalinga gwa buzadde, naye Yesu naagamba kya mugaso nnyo okubeera omuyigirizwa.

Abakazi baasomesa abayigirizwa ebikwata ku kuzuukira

> Ne bava mangu ku ntaana, n'entiisa n'essanyu lingi, ne badduka okubuulira abayigirizwa be. Laba Yesu n'abasisinkana, n'agamba nti "mirembe". Ne bajja ne bamukwata ebigere ne bamusinza. Awo Yesu n'abagamba nti," Temutya. Mugende mubuulire baganda bange bagende e Ggaliraaya; gye balindabira. (Mathew 28:8 – 10)

Obujulizi bw'omukazi tebwakkirizibwanga mu kkooti, naye Yesu yalonda abakazi babiri okujulira n'okulangirira okuzuukira kwe.

Yesu teyayigiriza ku kunyigiriza kwa bakazi.Yajja kukyusa ebyava mu kugwa, era n'endowooza ye eri abakazi yakyoleka bulungi. Yesu yataasa abakazi okuva mu kibi n'okunyomeebwa, ne bateebwa!

Ebirabo eby'omwoyo

Katonda agabira abakkiriza bonna ebirabo eby'omwoyo,naye bino bya njawulo eri abasajja n'abakazi?

Katonda agaba ebirabo okusinziira ku bwetaavu. Ebirabo tebigabanyizibwa kusinziira ku kikula ky'abantu.

Naye bino bye byayogerwa nabbi Yoweeri nti. Olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma, bwayogera Katonda, ndifuka omwoyo gwange ku balina omubiri bonna. Batabani bammwe ne bawala bamwe baliragula, n'abalenzi bammwe baliraba okwolesebwa, n'abakadde bammwe baliroota ebirooto.Weewaawo, ne ku baddu bange n'abazaana bange mu nnaku ziri, ndibafukira ku mwoyo gwange, baliragula. (Ebikolwa by'Abatume 2:16 -18, kisseeko essira)

Naye buli muntu aweebwa okulabikibwa kw'omwoyo olw'okugasa.... Era ebyo byonna omwoyo oyo omu y'abikola, ng'agabira buli muntu kinnoomu nga ye bw'ayagala. (Abakkolinso 12:7, 11 Kisseeko essira)

Era nga bwe tulina ebitenkanankana ng'ekisa kye twawebwa bwe kiri, oba bunnabbi (tubuulirenga) mu kigera ky'okukiriza kwaffe; oba kuweereza, tunyiikirenga mu kuweereza kwaffe; oba ayigiriza, anyiikirenga mu kuyigiriza kwe; oba abuulirira, mu kubuulirira kwe: agaba, agabenga awatali bukuusa; afuga afugenga n'okunyiikira; asaasira asaasirenga n'essanyu. (Abaruumi 12:6 - 8)

> Nga buli muntu bwe yaweebwa ebirabo, nga mukuweereza mwekka na mwekka bwe mutyo, ng'abawanika abalungi ab'ekisa kya Katonda ekitali kimu; (1 Peetero 4:10 Kisseeko essira)

Buli ebirabo lwe bimenyebwa mu ndagaano empya, tewali we bakonera ku njawulo mu kikula ky'abantu, yadde ebirabo okutwalibwa nga bitegeeza buyinza. Kiziyiza n'omulimu gw'enjiri singa ekitundu ku muwendo gw'abantu bakugirwa okuweereza ng'ebitone bye baweebwa

Yesu naagamba mu Mataayo 9:37 – 38 "....Ebyo kukungula bye bingi, naye abakozi be batono. Kale musabe omwami we by'amakungula asindike abakozi mu by'okukungula" Lwaki omuntu yenna yandyagadde okulemesa abantu ba Katonda okukola?

Mu 2004 Akakiiko ka Lausanne ak'okubuulira Enjiri mu nsi mu Thailand, 1530 abalutuulamu okuva mu nsi 130 bajja okuteesa ku ngeri y'okuzzaamu amaanyi "ekkanisa yonna okutwala enjiri yonna mu nsi yonna". Ekimu ku byakakasibwa mu lukungaana kyali kino "Tukakasa obwakabona obw'abakkiriza bonna era tukoowola ekkanisa okwerinda, okukubiriza, n'okuzzaamu abakazi amaanyi, abaami, n'abavubuka okutuukiriza okuyitibwa kwabwe ng'abajulizi n'okukola mu nsi yonna omulimu gw'okubuulira enjiri" (8).

Gilbert Bilizekian ensonga eno aginnyikiza bulungi nti: Mukama waffe annyonnyola bulungi akabi akaliba ku abaddu abaziika ebitone mu kifo ky'okubikozesa ekisaanidde ku lw'obwakabaka mu buweereza. (Mataayo 25:30) Omu ayinza okukankana olw'ekibonerezo ekikakali ekiyinza okuba ekibi: omusango eri abakulembeze b'ekkanisa abakyeteekako okukaka abakkiriza be bakulembera okuziika ebitone Katonda bye yabawa mu kifo ky'okubikozesa olw'okuzimba obwakabaka bwa Katonda" (9).

Abakazi mu Bayibuli

Abakulembeze bonna mu kkanisa eyasooka tebaali basajja?

Okusinziira ku mbeera ey'ekiseera ekyo, waliwo omuwendo ogusanyusa ogw'abakazi abakulembeze mu Ndagaano empya.

Ebyawandiikibwa binnyonnyola ku bakazi bangi mu bifo by'obukulembeze. Boogerebwako kitono okusinga abasajja olw'ebyobuwangwa, ebyaliwo mu kiseera ekyo. Naye, singa kyali kikyamu abakazi okukulembera oba okusomesa, tebaalirondeddwa oba okusiimibwa mu byawandiikibwa.

- Kkaana (Lukka 2:36 – 38) n'abawala ba Firipo abana (Ebikolwa by'Abatume 21:8 – 9) baali bannabbi.
- Pulisikira yasomesa ne Akula, amakubo ga Katonda eri Apolo (Ebikolwa by'Abatume 18:24 – 26), bateekawo ekkanisa mu maka gaabwe (1 Abakkolinso 16:9) era Pawulo yabayita bakozi banne (Abaruumi 16:3)
- Foyibe yali muweereza era omuyambi wa Pawulo (Abaruumi 16:1- 2)
- Ludiya yasisinkana n'abakkiriza mu maka ge era yayaniriza Pawulo ne Siira (Ebikolwa by'Abatuume 16:13 – 15, 40)
- Yuniya yali mutume (Abaruumi 16:7)
- Ewudiya ne Suntuke baali bakozi wamu ne Pawulo (Abafiripi 4:2– 3)

Akasiriikiriro

Bayibuli tegamba nti abakazi tebalina kwogera mu kkanisa?

Olunyiriri olugamba nti abakazi tebalina kwogera mu Bakolinso lwali lusinziira ku buwangwa obw'ebiseera ebyo. Kino tekirina kakwate konna ku busobozi bwa bakazi oba empisa mu biro bino.

> Buli kintu kirina okukolebwa ekkanisa esobole okuzimbibwa. Omuntu bwayogeranga olulimi, boogerenga babiri oba nga bangi basatu, era mu mpalo era omu avvunnuulenga. Naye oba nga tewali avvunnuula, asirikenga mu kkanisa, ayogerenga mu mmeeme ye era ne Katonda. Ne bannabbi boogerenga babiri oba basatu, n'abalala bawulirenga. Naye omulala atudde bwabikkulirwanga, eyasoose asirike nga. Kubanga Katonda si wa kuyoogaana, naye wa mirembe nga mu kkanisa zonna ezabatukuvu. Abakazi basirikenga mu kkanisa kubanga tebalagirwa kwogera naye bafugibwenga, era nga n'amateeka bwe googera. Era bwe baagalanga okuyiga ekigambo, babuulizenga babbaabwe eka; kubanga kya nsonyi omukazi okwogeranga mu kkanisa (1 Abakkolinso 14:26–30, 33–35).

Mu kyasa ekya 21 tekyali kya nsonyi omukazi okwogera mu kkanisa. Olw'ekyo, abantu bangi balemesebwa mu kukkiriza kwabwe kubanga balaba obukrisitaayo ng'eddiini ekulemberwa abasajja bokka.

Ekigobererwa mu kitundu ky'Abakkolinso kino kiri nti wateekeddwa okubaawo enkola ennungamu mu kusinza. Kimanye nti abakazi, si be bokka

abasaabibwa okusirika. Naye oyo yenna eyaba nga agenda okwogera mu nnimi yagambibwa nga okusirika bwewatabangawo muvvuunuuzi. Era nabbi omu bwe yabanga ayogera okubikkulirwa ne kujja eri omulala. Nabbi eyasoose yalinanga okusirika.Obuweereza bwalina okubeera n'enkola ennungamu kubanga Katonda wa mirembe.

Criag Keener awandiika, "amateeka ag'edda gaali tegakkiriza bakazi kwogera mu lujjudde eri bassajja be batalinaako kakwate...era omuwendo gw'abakazi ogusinga baali tebaasoma nga basajja, era ensonga eno tebuusibwabuusibwa mu byawandiikibwa eby'edda. Pawulo yeewala enkola etali ntuufu ng'awabula abakazi okwewala okubuuza abasajja abalala nga bakungaanye, naye takontana na kusoma kwabwe....N'entegeera eyawaggulu, bayinza okufuuka abalungi abasobola okwetwala mu maaso mu magezi mu nkungaana ze zimu mwe bayinza okusabira n'okuwa obunnabbi.Okusinziira kw'ebyo byonna ensonga entuufu si za kikula ky'abantu naye ya butuufu bwa mpisa n'okuyiga. N'olwekyo tewali nsonga egaana ddoboozi ly'abakazi mu kkanisa leero" (10).

Era, singa Pawulo yali ategeeza nti abakazi balina okusirika lubeerera, teyandiwadde kiragiro kya kubikka ku mitwe gyabwe nga basaba n'okuwa obunnabbi mu kkanisa mu ssuula esaatu ezisooka (1 Abakkolinso 11:5)

Obuyinza n'okusomesa

Okuva bwe kiri nti amukazi talina kusomesa oba okuba n'obuyinza ku basajja, ekyo tekitegeeza nti abakazi tebalina kubeera basomesa oba basumba?

Olunyiriri olukugira obuyinza bwa bakazi mu Befeeso luyinza okukozesebwa kati nga tugamba nti abantu abatatendekeddwa tebayinza kumalawo nsomesa ya bulimba.

> Omukazi ayigenga mu bukkakkamu mu kugonda kwonna. Naye omukazi mugaanyi okuyigirizanga, newankubadde okufuganga omusajja. Naye okubeeranga mu bukkakkamu kubanga Adamu ye yasooka okutondebwa, oluvannyuma Kaawa, era Adamu si ye yalimbibwa naye omukazi oli ye yalimbibwa n'aba mu kwonoona; naye anaalokokanga mu kuzaala, bwe banaanyiikiriranga mu kukkiriza n'okwagala n'obutukuvu awamu n'okwegendereza. (1 Timoseewo 2:11 – 15, kisiddwako essira)

Ekigendererwa wano kwe kuggyawo ensomesa enkyamu. Era kino tukiraba mu bwangu mu 1 Timoseewo 1:3.

> Nga bwe nnakubuulirira okubeera mu efeeso, bwe nalinga ngenda e Makedoni, olagirenga abamu obutayigirizanga bulala. (1 Timoseewo 1:3)

Pawulo ayongerako nti abakazi be baali ekigendererwa kya basomesa ab'obulimba:

Kubanga ku abo be bantu abasensera mu nnyumba ne banyaga abakazi

abasirusiru abazitoowererwa ebibi ebingi abatugibwa okwegomba okutali kumu. (2 Timoseewo 3:6a)

"Omukazi alina Okuyiga"

Ebigambo ebina ebisooka ku lunyiriri luno bye bisinga okunyuma era bya njawulo naye ebiseera ebisinga biyisibwako amaaso. Pawulo agamba nti abakazi balina okuyiga yasuubira nti engeri esinga okulwanyisa enjigiriza ey'obulimba yali yakuyita mu kusomesa bituufu. Era abakazi balina okuyiga mu ngeri yonna ennungi eya Abayudaaya: Mu kasirise ate n'okussaamu ekitiibwa abasomesa baabwe.

"Sikkiriza mukazi kusomesa"

Pawulo mu mazima ategeeza nti abakazi tebakkirizibwa kusomesa nga tebannaba kutendekebwa kimala, kubanga atendereza. Obusoboozi bwa Pulisikira okusomesa (Ebikolwa by'Abatume 18:24 – 26 n'Abaruumi 16:3 – 59) kikwate nti yasomesa ne bba Akula, mu Befeeso, ekkanisa y'emu eyafuna ebbaluwa eyalimu ekitundu kino.

"Oba okutwala obuyinza ku musajja"

Rebecca Merrill Groothius agamba, "Ekigambo mu lunyiriri olwe 12 ekiri nti "obuyinza" obuvvunuuddwa si kye kigambo ekikozesebwa awalala wonna mu ndagaano empya okulaga obulungi bw'okukozesa obuyinza; mu butuufu, ekigambo kino tekirina we kikozesebwa walala mu Ndagaano empya. Newankubadde kirina amakulu mangi mu byasooka okukozesebwa mu Luyonaani, bingi ku byo byali byamaanyi okusinga obuyinza, okutuusa ne ku nsonga y'okulaga okutulugunya"(11).

Pawulo akinnyonnyola bulungi ng'agaana obukambwe obutasaana kulabika mu bakkiriza bonna.

"Alina okusirika"

Abakazi balina okuyiga mu kasirise si mu kukyankalanya nga bwe kyali kisuubirwa mu babayizi Abayudaaya bonna.

"Adamu ye yasooka okutondebwa"

Mu lubereberye, Katonda yawa ekiragiro bye obutalya "ku muti ogwa magezi" buteerevu eri Adamu, nga Kkaawa tannaba na kutondebwa. N'olwekyo Kkaawa teyafuna biragiro butereevu kuva eri Katonda. Rebecca Merrill Groothuis annyonnyola kino bwati: "Ensonga y'ebiragiro eri nti, okwewala obulimba n'ensobi eyamaanyi, abo abatalina biragiro mu kigambo kya Katonda (Nga Kkaawa n'omukazi Omwafeeso) Balina okuwuliriza abakugu abaatendekebwa mu buziba mu bya Katonda (Nga Adamu n'abakulembeze abasajja mu kkanisa y'Abafeeso)" (12).

"Okulokolebwa okuyita mu kuzaala omwana"

Kino kitundu kizibu nnyo okutegeera, naye eno yennyinnyola emu: Yeekalu ya lubaale "Artemis" mu (Efeeso) ye yali emu ku by'ewuunyo omusanvu eby'ensi. Yali nnene era mwalimu eggwanika n'abakuumi 400. "Artemis" yali asinzibwa nnyo nga lubaale w'okuzaala eyayambanga abakazi, naddala mu kuzaala abaana. Pawulo ayogera ku nsonga eno ng'ateesa nti abakazi tebalina kutunuulira Artemis okukumwa obulungi nga bazaala, wabula babe n'okukkiriza mu Yesu. Mimi Hadad awandiika nti, "Okulemesa ensomesa y'obulimba mu Efesaasi, Pawulo ateesa nti abakazi bajja kulokolebwa mu kuzaala abaana so si kuyita mu kusinza Artemisi, naye okusigala nga beesigwa mu Kristo?" (13).

Craig Keener awa ensonga enkulu: "Bayibuli ekkiriza obuweereza bw'abakazi mu mbeera ezabulijjo naye mu mbeera ezimu ebuziyiza....Akatundu akamu mu bayibuli kagaanira ddala abakazi okusomesa Bayibuli ... mu kukontana n'ebitundu abirala bingi ebikkiriza abakazi okubuulira abubaka bwa Katonda ekitundu kino– kigaana abakyala okubuulira kyawandiikibwa eri ekkanisa emu gye tumanyi obulungi nti abasomesa ab'obulimba baali ddala bagenderera kuwabya bakazi" (14).

Mu bufunze, okujjako mu mbeera entono ennyo, okuyigiriza kwonna mu byawandiikibwa kuli nti ebirabo byonna biweebwa abasajja n'abakazi era balina okukubirizibwa okwenyigiramu mu mitendera gyonna egy'obuweereza. Tetusobola kusuubira kubeera mikono na bigere bya Katonda eri ensi ng'ekitundu kwabo abasibiddwa!

Obukulembeze

Bayibuli teyogera butereevu nti omwami gwe mutwe gw'amaka?

Bayibuli teyogera nti omwami gwe mutwe gw'amaka. Egamba nti omusajja gwe mutwe gw'omukazi. Ne Katonda gwe mutwe gwa Kristo. Ekigambo "omutwe"kitera okutegeeza obuyinza. Naye kirina n'okutegeeza "ensibuko" ng'ensibuko y'omugga. Mu kitundu kino, 'omutwe' kiyinza okutegeeza "ensibuko y'obulamu" wakati w'abantu ne mu bwa Katonda Obusatu.

> Naye njagala mmwe okumanya ng'omutwe gwa buli musajja ye Kristo, n'omutwe gw'omukazi ye musajja, n'omutwe gwa Kristo ye Katonda. (1 Abakkolinso 11:3)

"Omutwe" kirowoozebwa okutegeeza obuyinza. Naye kiyinza n'okukyusibwa nti "ensibuko", ng'ensibuko y'omugga.

Waliwo ensonga bbiri lwaki ekigambo "omutwe" mu 1 Bakkolinso 11:3 kiyinza okutegeeza. "ensibuko y'obulamu" so ssi "omukulembeze alina obuyinza." Okusooka enkolagana y'okusengeka y'ensibuko. Gilbert Bilezikian alaga okusinziira ku nsengeka nti "ebintu engeri gye bigoberegana eyunga obuwayiro obusatu si mitendera gya bitiibwa naye nsengeka. Mu kutonda Kristo ye yali agaba obulamu eri omuntu ng'ensibuko y'obulamu eri Adamu. Era n'omusajja naawa omukazi obulamu nga bwe yaggyibwa mu ye. Ne Katonda yawa obulamu omwana we n'ajja mu nsi bwe yafuuka omuntu. Ebyawandiikibwa nga bwe bigoberegana mu buwayiro obusatu bwe bitakyusibwa. Amakulu agatakyuka "ag'omutwe" mu lunnyiriri luno gali nti omuweereza akolanga agaba obulamu" (15).

Ekirowoozo kino bwokiteeka mu nkola kyewuunyisa. Nga Mimi Haddad bwawandiika, "Mu lubereberye, Katonda yatonda omukazi okuva mu mubiri gw'omusajja. Mu ngeri y'emu, Kristo y'ensibuuko y'ekkanisa. Kristo yafa okuleetera abalala obulamu. Mu ngeri y'emu, abaami balina okwagala bakyala baabwe n'okwewaayo – ng'omubiri gwabwe kiggumiza ensonga y'okuba obumu, n'omukwano (16).

Ekyokubiri okugamba nti "omutwe" kitegeeza "omukulembeze alina obuyinza obungi'' kiyinza okunafuya obumu mu busatu, era njigiriza nkyamu eyagaanibwa edda mu byafaayo by'ekkanisa.

Leka tutunulire nnyo olunyiriri luno ne "kephale" (omutwe muluyonaani) ekinnyonnyolwa nti "omukulembeza alina obuyinza obungi":

- Omukulembeze alina obuyinza obungi eri buli musajja ye Kristo (Kituufu)
- Omukulembeze alina obuyinza obungi eri omukazi ye musajja (osanga).
- Omukulembeze alina obuyinza obungi eri Kristo ye Katonda (nedda – Yesu tali wansi wa kitaffe).

Kevin Giles annyonnyola nti: "Mu mazima Abakristaayo bonna bakkiriza nti mu kwambala omubiri omwana yagondera kitaawe. Naye abakristaayo abasinga tebakkiriza nti okugonda kw'omwana kukiikirira ensengeka ye nkolagana wakati wa Taata n'omwana mu Busatu.Mu ba Phillipi 2:5 - 11 Pawulo akkaatiiriza nti omwana yali ye nkana ne kitaawe bwe yali tannaba kwewaayo kufuuka omuntu n'okufa ku musaalaba, era oluvannyuma yagulumizibwa okufuga nga Mukama" (17).

Olunyiriri luno lukola amakulu "omukulembeze alina obuyinza obungi" bwannyonnyolwa nga "ensibuko y'obulamu":

- Ensibuko y'omusajja ye Kristo (Kituufu)
- Ensibuko y'omukazi ye musajja (kituufu – mu kutonda omukazi yakolebwa kuva mu musajja)
- Ensibuko ya Kristo ye Katonda (Kituufu – Yesu yasindikibwa okuva

mu Katonda Kitaffe bwe yafuuka omuntu.

Ekirala, lowooza ku nnyiriri ezimu ezinnyonnyola Yesu ng'omutwe gw'ekkanisa. Kyekkaanye nti tebannyonnyola mirimu gye ng'omukulembeze oba ow'obuyinza. 'Omutwe' kinnyonnyola Yesu ng'ensibuko y'obulamu esooka n'obulokozi era atukuza.

> Katonda n'ateeka byonna wansi w'ebigere bye, n'amuteekawo okuba omutwe ku byonna eri ekkanisa, gwe mubiri gwe, okutuukirira kwoyo atuukiriza byonna byonna. (Abefeeso 1:22 – 23, kisiddwako essira)
>
> Naye, bwe twogeranga amazima mu kwagalana, tulyoke tukule okutuuka mu ye mu byonna, gwe mutwe, Kristo, mu oyo omubiri gwonna bwe gugattibwa obulungi ne gunywezebwa awamu buli nnyingo ng'ereeta ebyayo, ng'okukola mu kigera okwa buli kitundu bwe kuli, omubiri gweyongera okukula olw'okwezimba mu kwagalana. (Abefeeso 4:15 – 16 Kisiddwako essira).
>
> So nga teyekwase mutwe omuva omubiri gwonna ennyingo n'ebirinyweza nga buguleetera era nga bigugatta wamu, nga gukula n'okukuza kwa Katonda. (Abakolisaayi 2:19. Kisiddwako essira)

Bilezikian annyonnyola nti: "Endagaano Empya erimu ebyogera ku bakulembeze. Abakulembeze b'eddiini, abakulembeze b'ebitundu, abakulembeze b'amagye, abakulembezee mu Gavumenti, abakulembeze bo ku ntikko, n'abakulembeze mu kkanisa. Teri n'omu kwabo alondebwa ng'omutwe, oba okkulira bonna. Ennyinnyola ennyangu ey'ekigambo kino eri nti: "omutwe" tekiteegeza "mukulembeze" mu lulimi lw'endagaano empya. Enkozesa "y'omutwe" we kisangibwa mu 1 Abakkolinso, Abefeeso, ne mu Bakolosaayi kitutuusa ku nfundikira nti amakulu g'obukulembeze mu ndagaano empya gategeeza emiriimu gya Kristo ng'omutwe omukulu ogw'obulamu ate n'omulimu gwe ogw'obuweereza ogw'obugabirizi n'okutubeezaawo" (18).

Bwoba tonnamatira, kusoomooza okusoma ekiwandiiko kya Barkeley ne Alvera Mickelse, "Kiki Kephale kyategeeza mu Ndagaano empya?" Soma Enkuluze y'oluyonaani. Mu biriwo kati gy'emizingo ebiri egy'emirimu okusinga empapula 2000 ezagattibwa Liddel, Scott, Jones ne Mckenzie, kyasooka kufulumizibwa

mu 1843...Luno olukalala lwa Lexico n'ebyokulabirako lulaga amakulu ga kephale. Olukalala teluteekamu, "buyinza" "owawaggulu mu bitiibwa" omukulembeze, akulira, oba ekintu kyonna ekirina amakulu ge gamu" (19). Empapula nga kkumi na nnya eza Mickelsens ezoogera ku Luyonaani. Philip Barton Payne byaddamu eri ekiwandiiko kya Mickelsens bigamba nti, "Ba Mickelsens mu butuufu balaga omugaso mutono mu nsonga yaabwe okuva ku nkozesa y'oluyonaani. Ng'ogasseeko eby'ayongerwako mu 1968, Liddell ne Scott Lexicon bamenya enkalala z'emiwendo makumi ana egyenkanankana mu lungereza nga zanjawulo, ezinnyonnyola amakulu ga 'kephale.' Teri na lumu ko zo etegeeza mukulembeze, buyinza, asooka, asukkulumye" (20).

Mu bufunze, ng'oggyeeko okugenderera nti abasajja beeweeyo mu bibi ebiva mu kugwa kw'omuntu, omuli okufuga abakazi, Katonda yagenderera abaami okubeera ensibuko y'obulamu n'obuwagizi eri bakyala baabwe! Nga Yesu bwali eri ffe!

Ku kino, Merrill Groothuis ayongerako nti: "Mu mazima, okutegeera nti omutwe gw'omukazi kitegeeza mukulembeze wa mukyala kyonoona emigaso gy'ebyawandiikibwa ebiraga ng'omutwe gwa kufaayo eri obulamu, n'okukula kw'omukyala. Omuntu tasobola kukula mu mwoyo, mu birowoozo ne mu kutegeera bwabeera ng'amiddwa omukisa okutwala obuvunaanyizibwa ku bulamu bwe yennyini, bwayisibwa ng'omwana, eyetaaga okumusalirawo.... Obufumbo obutawa mukazi kitiibwa, nabwo bukonnya enkula y'omusajja mu mbala, mukutukuzibwa era kuwebuuka mu kuyiga n'okwagalana nga be nkanankana mu buweereza bw'obwakabaka bwa Kristo" (21).

Okuwuliragana

Bayibuli egamba abakyala balina okuwulira abaami baabwe, ekyo si kirungi bwe kiba kiva mu kwagala ne mu kuwagiragana?

Okuwulira kw'abakyala n'obugonvu bw'abaddu byali bisuubirwa mu kyasa ekyasooka naye Pawulo alagira abakristaayo abafumbo okweyisa mu nkola empya eyo kuwuliragananga.

> Nga muwuliragana mu kutya Kristo. Abakazi, muwulire nga babba mmwe nga bwe muwulira Mukama waffe...Abasajja, mwagale nga bakazi bammwe, era nga Kristo bwe yayagala ekkanisa, ne yeewaayo ku lwayo.... Abaddu, muwulire nga bakama, bammwe ab'omubiri nga mulina okutya n'okukankana, omutima gwammwe nga teguliimu bukuusa nga Kristo. Nammwe, bakama baabwe, mubakolenga bwe mutyo nga mulekanga okutiisa nga mumanyi nga Mukama waabwe era owammwe ali mu ggulu, so tewali kusosola mu bantu gy'ali (Abefeeso 5:21 22, 25, 25, 6:5, 9 kisiddwako essira)

Okuwuliragana kikulu mu lunyiriri luno, kiba kitulaga bwe tuyinza okulaga okujjuzibwa kw'omwoyo (Abefeeso 5:18) mu maka gaffe. Pawulo yali akozesa okuwulira kwa bakyala eri baami baabwe, mu buwangwa obwo ng' ekyokulabirako ku bwe tulina okuwuliragana. Obugonvu bw'abakazi n'abaddu bwali bwa kattala mu mateeka ga Bayudaaya n'Abaruumi era kyali kikkirizibwa ng'akalombolombo. Naye eri ekkanisa eyasooka, ekyali kisinga omugaso kwali kusaasaanya njiri, so si kukontana na mateeka. Kale, Pawulo annyonnyola engeri gye tulina okukolamu bwe tuba tuli mu bitundu ebikulembeza obufuzi

bw'abassajja, n'ebigendererwa by'Abakristaayo ebirungi okuwuliragana (so si obugonvu) n'okwagala (so si okufuga).

J. Lee Grady afunza nti, "Okuwuliragana, si mu ntegeera y'okufuga omulala, naye mu ntegeera eyo okwagalana so si kub
anja ddembe lya ssekinnoomu, era eno yerina okuba enkola mu mubiri gwa Kristo okusobola okulaga okwagala kwa Kristo eri ensi" (22).

Okufundikira

Abakazi n'abasajja emirundi mingi babadde nga baziyizibwa okubeera n'enkolagana ennamu n'obuweereza olw'engeri emu ey'okuvvuunulamu ennyiriri z'ebyawandiikibwa. Guno si gwe mulundi ogusoose kino okubaawo. Mu Amerika mu myaka gya 1800, abawagizi b'obuddu beesigama nnyo ku kuvvuunula kwabwe okwa Bayibuli. Baagambanga nti Yesu yayogera ku baddu mu ngero, nti Abagalatiya 4 akozesa eby'okulabirako nga biva mu buddu era ne Abefeeso 6 eragira abaddu okugondera bakama baabwe. Stan Gundry agamba olunaku lumu abakristaayo bajja kuswazibwa olw'ekkanisa okuwagira enkolagana ezikulembeza abasajja bokka nga bayita mu Bayibuli, nga bwe kiri kati mu kyasa kye kkumi n'omwenda ebyawandiikibwa mwe byalabwanga ebiwagira obuddu" (23).

Ebyawandiikibwa birina okuvvuunulwa okusinziira ku kiseera, n'emiramwa emikulu. Lowooza olabe oba embeera ezo wammanga zirambikiddwa mu bubaka obukulu mu Bayibuli:

- Omukyala asoma mu Seminario agambibwa nti asobola okuwa obujulizi mu bufunze naye mu kifo eky'enjawulo mu yeekalu, nga bagamba nti byayogera tebisobola kutwalibwanga kuyigiriza.
- Omwana ammibwa obujanjabi mu ddwaliro Maama we bwazudde kubanga omwami takkiriziganya nalyo.
- Omukyala akoze eby'omuwendo era agasa mu buweereza obukula, agobebwa ku mulimu abasajja abappya bwe beegatta ku kakiiko ke kkanisa abatakkiriza nti abakazi basaanidde okubeera mu bifo by'obukulembeze.
- Omukazi omukulembeze mu kkanisa, atulugunyizibwa bba, omusumba amubudaabuda obutanyiiza bba, wabula amuwulire n'okumusabira.

- Omukazi ali mu ttendekero agaanibwa okukola omulimu omulungi era naagambibwa nti Katonda enteekateeka ze ennungi gyali za kufumbirwa olunaku lumu. Agambibwa nti tajja kusobola kuweereza bbaawe nga bw'akola wabweru w'amaka.

Mu mazima waliwo ebirowoozo aby'enjawulo ku mutwe guno. Naye bwetubeera bakkola nsobi tuleme kunyigiriza ludda olumu okulemesa omulimu gwa Katonda. Leka tukubirize omubiri gwa Kristo gwonna okukozesa ebirabo byonna; olw'ensi yonna. Ebyetaago bingi era Katonda amanyi...buli omu nga yeetagibwa!

Ebikwata ku CBE

Ebifa ku bakristaayo ku lw'obwenkanya obwa Bayibuli

Abakristaayo olw'obwenkanya (CBE) si kitongole kya magoba, ky'Abakristaayo abaami n'abakyala abakkiriza nti Bayibuli evvunuuddwa bulungi eyigiriza obulungi bw'omwenkanonkano gw'abasajja n'abakazi ab'engeri zonna,oba ggwanga ,oba abantu b'emyaka gyonna, okusinziira ku bisomesebwa mu byawandiikibwa nga mu Bagalatiya 3:28: "Tewali Muyudaaya, newankubadde Omuyonaani, tewali muddu newankubadde ow'eddembe, tewali musajja oba mukazi! Kubanga mmwe mmwenna muli omu mu Kristo Yesu."

(CBE) ekakasa era neewagira amazima ga Bayibuli nti abakkiriza bonna awatali kwawula mu kikula ky'abantu, ekika, ggwanga oba mutindo balina okukozesa ebirabo byabwe eby'omwoyo n'obuvunaanyizibwa mu kkanisa, awaka ne mu nsi.

CBE kiwagirwa n'ebirabo ebiva mu bantu abagabana okwolesebwa kw'ebiseera ebyo mu maaso, abakkiriza bonna we bakkirizibwa okukozesa ebirabo byabwe ku lw'ekitiibwa kya Katonda, n'omulimu n'obuwagizi obujjuvu obw'Abakristaayo.

Ffe bani?

Tuli bakristaayo, abanyweredde ku Bayibuli. Tukkiriza nti Bayibuli kye kigambo kya Katonda, ekyesigibwa era bwe buyinza obwenkomeredde mukukkiriza ne mu nkola ey'Obukristaayo. Tukkiriza nti ekigendererwa kyaffe kiva mu bwesigwa obw'okunnyonnyola n'okutambulira mu Bayibuli.

Tuli kitole kya bantu okuva mu nsi yonna. Abakiise mu CBE, ababeezi,

n'abawagizi bava mu mawanga nkaaga n'omusobyo era na buli nsonda za Amerika. Bawagira okugabana obuyinza wakati wa basajja n'abakazi mu maka, mu kkanisa, ku mirimu n'eby' obuwangwa mu nsi yonna. Awamu, tukolerera ekigendererwa kino okutuukirira.

Tuli bayizi ab'olubeerera. Tukkiriza nti waliwo bingi eby'okuyiga ebikwata ku Katonda, ebigendererwa bye eri ensi n'ekigambo kye. Tugaba eby'okusomesa ku nsonga ezikwatagana ku kikula ky'abantu ne Bayibuli eri abantu ab'engeri zonna. Tunoonya okukolagana n'abakkiriza ab'ensibuko zonna era awamu n'okuwagala entegeera yaffe.

Bye tukola.

Obuweereza bwa CBE bwetoloolera ku bintu ebikulu ebyenjawulo.

Okukuba ebitabo. Tufulumya akatabo ak'okunoonyereza, Empapula za Prusikira n'akatabo akamanyiddwa obulungi ke bayita 'Okuwuliragana' era nga tukafulumya buli myezi essatu. Ebiwandiiko bino biwangudde ebirabo era bisobola okufunibwa ng'owaddeyo ensimbi oba ku bwerere eri bannakibiina kya CBE Ekirala tufulumya ebbaluwa buli ssabiiti gye bayita 'Zukuuka' (Arise). Tuwagira n'okunyumya nga tuyita ku mutimbagano gwaffe.

Etterekero ly'ebitabo. Etterekero ly'ebitabo kye ekifo we tusanga ebiwandiiko ku Bayibuli ebikwata ku kuweereza n'obuyinza bw'abasajja n'abakazi. Buli kitabo kye tulina era kyekenenyezeddwa ku mutindo n'emigaso eri ekigendererwa kya CBE. Amaterekero g'ebitabo byaffe nago galina obutabo obufulumizibwa CBE, zi vidiyo n'entambi.

Enkungaana. Buli mwaka tutuuza olukungaana olw'ensi yonna n'abawandiisi abo ku ntikko wamu n'aboogezi mu nsi yonna. Enkungaana zaffe zisomesa, zibuulirira, zigabana ebyawandiikibwa ng'ensibuko y'obuyinza obugabanibwa abasajja n'abakazi mu maka gaabwe, mu makkanisa n'eby'obuwangwa.

Obwa mmemba CBE kitongole kyesigamizibwa ku bwa memba, abanywanyi, n'obuwagizi mu by'ensimbi ne ssaala, ebyetaagisa okutwala ekigendererwa

kyaffe mu maaso.

Entuula z'ebitundu: Entuula z'ebitundu gy'emikono n'ebigere bya CBE mu bitundu ebyetoloodde ensi. Entuula zino y'engeri abantu aba bulijjo abali mu CBE n'abawagizi gye beeyungamu n'okuweereza awamu. Batera okwaniriza emisomo, basisinkana okwezzaamu amaanyi, n'okukiikirira CBE mu nkungaana z'ebitundu era ne baweereza ebitundu byabwe wamu.

Ekigendererwa ekyabagibwa.

CBE eriwo kuwagira bwenkanya, n'okusinziira mu Bayibuli ne mu bitundu ng' esomesa Abakristaayo nti Bayibuli ekubiriza abakazi n'abasajja okugabana obuyinza kye nkanyi mu mulimu ne mu bukulembeze mu maka, mu kkanisa ne mu nsi.

Empisa zaffe

1. Ebyawandiikibwa bwe buyinza obutulungamya mu kukkiriza mu bulamu n'ebikolebwa
2. Abasajja okwemaliza obukulembeze bokka si nsonga ya byawandiikibwa naye kiva mu kibi
3. kityoboola abakyala okubaggyako obuyinza, ekitiibwa, eddembe lyabwe, obukulembeze, era n'obulamu Katonda bye yabawa.
4. Newankubadde Bayibuli eraga abasajja abeemaliza obukulembeze bokka; teyigiriza era tewagira ngeri ezo mu bantu.
5. Omulimu gwa Kristo ogw'okulokola gusumulula abantu bonna okuva mu bufuzi bw'abasajja bokka, era Yesu ayita abakazi n'abasajja okugabana obuyinza kyenkanyi mu buwereeza.
6. Entegeka ya Katonda ku nkolagana z'abantu , erimu obwesigwa mu bufumbo wakati w'omusajja n'omukazi, omuwuulu omwesigwa, n'okwewaayo okwa nnamaddala mu bukristaayo.
7. Obutakugira birabo by'abakazi kyakitiibwa eri omulimu gw'omwoyo omutukuvu era kyamugaso olw'okubunya enjiri mu nsi.

8. Abagoberezi ba Kristo basaana okulwanyisa obutali bwenkanya, n'abasajja okufuga bokka, ebisomesebwa ate n'ebikolebwa ebivvoola n'okutyoboola abakazi n'abasajja.

Ekirubirirwa kye biseera byo mumaaso

CBE erubiirira ebiseera ebyo mu maaso abakkiriza bonna mwe banabeerera n'eddembe okukozesa ebirabo byabwe ku lw'ekitiibwa kya Katonda, nga balina n'obuwagizi obujjuvu mu mbeera zaabwe zonna ez'Obukristaayo.

Endnotes

(1) Linda Belleville, *Two Views on Women in Ministry* (Zondervan Publishing House, 2001; Grand Rapids, MI; James Beek and Craig Blomberg, eds). 142.

(2) Ibid., 148.

(3) Rebecca Merrill Groothuis, *Good News for Women* (Baker House, 1997; Grand Rapids, MI) 43

(4) Gilbert Bilezikian, *Beyond Sex Roles* (Baker Academic, 2006; Grand Rapids, MI) 99-100.

(5) John Phelan, *All God's People* (Covenant Publications, 2005: Chicago, IL) 51.

(6) Mimi Haddad, "What Language Shall We Use?" (*Priscilla Papers*, Volume 17, Issue 1, Christians for Biblical Equality; Minneapolis, MN).

(7) Richard and Catherine Kroeger, "Why Were There No Women Apostles?" (*Equity*, 1982). 10-12.

(8) David Claydon, "The Context for the Production of the Lausanne Occasional Papers," (*Empowering Women and Men to Use their Gifts Together in Advancing the Gospel, Lausanne Occasional Paper No. 53*; Christians for Biblical Equality, 2005; Minneapolis, MN; Alvera Mickelsen, ed.). iv.

(9) Bilezikian, *Beyond Sex Roles*, 140.

(10) Craig Keener, *Two Views on Women in Ministry* (Zondervan Publishing House, 2001; Grand Rapids, MI; James Beck and Craig Blomberg, eds.). 166, 169, 171.

(11) Groothuis, *Good News for Women*, 215.

(12) Ibid., 222.

(13) Mimi Haddad, "Paul and Women" , (*Empowering Women and Men to Use their Gifts Together in Advancing the Gospel, Lausanne Occasional Paper No. 53*; Christians for Biblical Equality, 2005; Minneapolis, MN; Alvera Mickelsen, ed.). 34.

(14) Keener, *Two Views on Women in Ministry*, 29.

(15) Gilbert Bilezikian, "I Believe in Male Headship"(Christians for Biblical Equality, Free Articles, cbeinternational.org; Minneapolis, MN).

(16) Haddad, "Paul and Women," 35.

(17) Kevin Giles, "The Subordination of Christ and the Subordination of Women," (*Discovering Biblical Equality*; InterVarsity Press, 2004; Downers Grove, IL; Ronald Pierce and Rebecca Merrill Groothuis, eds.). 337.

(18) Bilezikian, *Beyond Sex Roles*, 122.

(19) Berkeley and Alvera Mickelsen, "What Does Kephale Mean in the New Testament?" (*Women, Authority & the Bible;* InterVarsity Press, 1986; Downers Grove, IL; Alvera Mickelsen, ed.). 97-98.

(20) Philip Barton Payne, "Response," (*Women, Authority & the Bible;* InterVarsity Press, 1986; Downers Grove, IL; Alvera Mickelsen, ed.). 118.

(21) Groothuis, *Good News for Women,* 157-158.

(22) J. Lee Grady, *Ten Lies the Church Tells Women*, (Charisma House, 2000; Lake Mary, FL). 177.

(23) Stan Gundry, "From *Bobbed Hair, Bossy Wives, and Women Preachers* to *Woman Be Free*: My Story" (*Priscilla Papers,* Volume 19, Issue 2, Christians for Biblical Equality; Minneapolis, MN).

(24) *The Holy Bible, Today's New International Version*, (Zondervan, 2006; Grand Rapids, MI). xi.

"*Ate era Erudda n'Erudda,* kyakuddamu eky'amaanyi mu bufunze eri okutabulwatabulwa, obutasoma byawandiikibwa kugenda buziba n'okusosola okusiziira ku kikula *ky'abantu* ekinafuya obuweereza bwe kkanisa n'obujulizi eri ensi. Akatabo kalungi eri akasoma kinnoomu era ne mu bibinja, *Ate era Erudda n'Erudda* katabo ka mugaso eri ebibuuzo ku kikula *ky'abantu* amakanisa amangi mu mulembe guno bye galina okuddamu."

Mimi Haddad

President of Christians for Biblical Equality
www.cbeinternational.org

"*Ate era Erudda n'Erudda,* bufunze obusukkulumu obulaga *obwenkanya n'ekikula ky'abantu mu Bayibuli*."

Alvera Mickelsen

Founding Member of Christians for Biblical Equality,
author, editor, and teacher

Janet George aweereza ku kakiiko ka ba dayirekita aka Bakristaayo ku lw'obwenkanya. Ye n'omwami we balina kampuni eyekenenya omutindo gwa mayumba era esangibwa mu Centennial, Colorado era gy'ebasabira mu kkanisa eyitibwa Covenant Church and Oasis Community. Balina abaana basatu abawala.

Joseph Bbirikadde aweereza ku kakiiko akakulu aka Upcoming Pentecostal Churches mu Busega, Kampala. Asabira mu kkanisa eyitibwa Heavenly Embassy Church era esangibwa e Busega. Mukyala we ye Lilian Bbirikadde, balina abaana babiri abawala.

Obutabo obulala obwa *Ate era Erudda n'Erudda: Ennyinnyola mu bufunze ku bwenkanya n'ekikula ky'abantu mu Bayibuli* busobola okufunibwa okuyita ku:

In the USA, copies may be ordered by
Web: www.cbebookstore.org
Phone: 612-872-6898
Email: bookstore@cbeinternational.org

Other countries may find order information from Info@publish4all.com